ENKOLA Y'OKWEWANDIISA OKUSOOKA



OMUYUNGO



Tutuukirire

NIRA (EKITEBE EKIKULU)
Ekibangirizi kyu'obwetwaze,
Ekisaawe ky'ennyonyi e Kololo
P.O. Box 26529, Kampala-Uganda
Essimu (Awatuukirwa abagenyi):
+256 312119600

Abantu abalina bye baagala okumanya, tuukirira: 0800211700
(Entabiro y'essimu)

Okumanya ebikwata ku nkolagana n'abantu, Kuba: +256 312119605

info@nira.go.ug
Nira_Ug **NIRA**
nira.go.ug

NIRA
National Identification and Registration Authority
Uganda-My Country My Identity

Ebyafaayo

Ekitongole ky'eggwanga ekivunaanyizibwa okwawula n'okuwandiisa abantu (NIRA) kiweebwa obuyinza okuva mu tteeka ly'okuwandiisa abantu erya 2015, erikiragira okukola emirimu egitali gimu. Emirimu gino gyongera okukwanaganyizibwa n'Ekirooto 2040 ekiddamu okikkaatiriza okuyaayaana kwa Uganda okw'okubeera n'ebikozesebwa wamu n'empeereza eby'omutindo gw'ensi yonna, era ne tekinologiya ow'omulembe okusobola okutumbula omutindo gw'ebyamaguzi ebikolebwa n'ebifulumizibwa.

Empeereza

Okukola olukalala lw'eggwanga okwawulirwa Bannayuganda bonna:

Ekitongole kino kivunaanyizibwa okubangawo n'okukuumanga enkuluze ey'omulembe, etuukanye era enzijuvu obulungi, esobola okuggyibwamu olukalala lw'eggwanga okwawulirwa Bannayuganda bonna. Mu kino mulimu okuwandiika bannansi, abatuuze abagwiira nga mulimu abazaalibwa, abafa n'aboolebwa. Kino kijja kuyamba gavumenti okusobola okutegeka n'okutuusa obulungi empeereza zaayo wonna mu ggwanga.

Okugaba ebbaluwa:

Ekitongole kino kigaba ebbaluwa z'abazaalibwa, abafa n'aboolebwa nga bwe kiragirwa mu tteeka ly'okuwandiisa abantu 2015. Ekitongole kya NIRA kyongedde okubunyisa empeereza z'okuwandiisa abantu wonna mu ggwanga okusobola okulaba nti ebitundu by'eggwanga byonna bituukolwako.

Okugabira bannansi n'abagwiira ennangamuntu z'eggwanga:

Ekitongole kino kirina okugabira abatuuze n'abagwiira ennangamuntu z'eggwanga oluvannyuma lw'okubaawula obulungi n'okubawandiisa. N'okutuusa kati, ennangamuntu z'eggwanga zikyagabibwa ku mutendera gwa disitulikiti okwetooloola eggwanga lyonna

Ekirooto, Ekiruubirirwa n'Emiramwa emikulu

Ekirooto

Okubeera ekifo ekyegombesa mu kukola omulimu gw'okwawula n'okuwandiisa abantu.

Ekiruubirirwa

Okuteekawo n'okukuuma olukalala olwesigika, oluggumivu era olutuukanye obulungi olw'abantu bonna abali mu Uganda, olw'ebyokwerinda kw'eggwanga n'enkulaakulana y'abantu baalyo.

Emiramwa emikulu

- Emmizi
- Obukugu
- Emikago
- Okukolera awamu
- Kaasitoma okubeera entabiro y'ebikolebwa
- Obuyiiya

Emirimu gy'ekitongole kya NIRA

Etteeka ly'okuwandiisa abantu 2015, lyateekawo ekitongole ky'eggwanga ekivunaanyizibwa okwawula n'okuwandiisa abantu (NIRA) era lirambika gino wammanga nga gye mirimu gyakyo:

i. Okubangawo, okulabirira, okukuuma n'okuddukanya olukalala olwawula bannansi b'eggwanga
ii. Okuwandiisa bannansi n'abagwiira ababeera mu Uganda mu ngeri etemenya mateeka
iii. Okuwandiika abantu bonna abazaalibwa abafa n'aboolebwa mu ggwanga era n'okubawa ebbaluwa ezetaagisa
iv. Okuwa buli muntu awandiikiddwa ku lukalala ennamba y'eggwanga ey'enjawulo emwawula nga munnansi oba ng'omugwiira;
v. Okugaba ennangamuntu z'eggwanga/ez'abagwiira;
vi. Okutuukanya n'okuyingiza ku lukalala, we kiba kyetaagisa, amawulire okuva mu nkuluze endala eziri mu bitongole bya gavumenti ebirala ebikwatagana n'okuwandiisa abantu;
vii. Okwetegereza n'okukakasa amawulire agakwata ku by'okuwandiisa n'okwawula abantu;
viii. Okwekebejja amawulire agabeera gafuniddwa okusinziira ku tteeka lino n'okuddamu okugafulumya nate nga bwe kibeera kyetaagisa buli kiseera;
ix. Okukakasa nti amawulire oba ensonga ey'engeri yonna ebeera efuniddwa, esakiddwa oba eterekeddwa ku lukalala olwo ekuumibwa, erabirirwa era etaasibwa bulungi;
x. Okulaba nti ennangamuntu z'eggwanga zikozesebwa olw'okuleetawo enkulaakulana mu by'enfuna, mu by'obufuzi ne mu by'embeera z'abantu mu ggwanga
xi. Okunoonyereza ku nkyukakyuka ezibaawo mu nzirukanya y'ensonga z'ennangamuntu

EMIGASO GY'EKITONGOLE KYA NIRA ERI ENKULAAKULANA Y'EGGWANGA

Eky'okubeera n'ennangamuntu n'ekyokuwandiisa abantu kireetera buli muntu okusobola okwawulwa ye yekka/okubeera n'obwassekinnoomu mu ggwanga era bwe kityo:

- Kitumbula enkulaakulana n'empeereza nga kiteekawo enkuluze eyesigika era eyekakasika mu kukola entegeka
- Kiyamba ekitongole ky'ebyensimbi nga kiwagira enkola ya "Manya kaasitoma wo"
- Kiyingiza ensimbi okuyita mu NTR n'okuyamba ekitongole kya URA okusobola okuku aanya obungi bw'omusolo bwe kibeera kiruubirira
- Kiyamba mu by'okwerinda ne mu kutangira obuzzi bw'emisango nga nga kisobozesa abazzi b'emisango okutegeerwa n'okwawulwa amangu wamu n'okukuuma ekitiibwa ky'ensalo z'eggwanga
- Kiyamba mu kutuukiriza obuvunaanyizibwa bw'enkolagana y'amawanga